# KASANA

A PUBLICATION OF KASANA - LUWEERO DIOCESE

Ugx 2,000

## January - February 2024 Bulletin





KASANA CATHEDRAL PARISH (1997)



HOLY TRINITY ZIROOBWE PARISH (1998)



OUR LADY OF LOURDES NAKASONGOLA PARISH (1940)



ST.JUDE KAKOOGE PARISH (1999)



OUR LADY QUEEN OF MARTYRS NAMALIGA PARISH (1988)



MARY MOTHER OF DIVINE SHEP-HERD MULAJJE PARISH (1914)




ST. JOSEPH & VINCENZO ROMANO KALULE PARISH (2017)



ST. BRUNO SSERUNKUUMA KIKYUUSA PARISH (1996)



ST. JOSEPH THE WORKER KATIKAMU PARISH (1964)



ST. KIZITO NATTYOOLE PARISH (1967)



ST. CYPRIAN NGOMA PARISH (2000)



ST. JOSEPH CATHOLIC PARISH KANNYANDA (2021)



ST. ANTHONY MIGYEERA PARISH (2007)



OUR LADY OF GRACE NANDERE PARISH (1899)



ST. CHARLES LWANGA KAMIRA JUBILEE PARISH (2022)

Dominus Est (John 21:7) It is the Lord (John 21:7) Ye Mukama (Yoanna 21:7)

## ENDAGIRIRO [Contents]


1. *Obubaka bw'Omukungaanya*
2. *Wofiisi z'Essaza zizzeemu okuweereza*
3. *Obutamiivu mubuleke, Abasomesa basabiddwa*
4. *Akulembedde Missa ye esoose ey'Amazaalibwa*
5. *Batendekeddwa mu kusaka amawulire*
6. *Ekigo kiweza emyaka 125 omwaka guno*
7. *Bishop L. Mukasa yeebazizza Paalamenti*
8. *Parish y'e Ziroobwe ejaguza emyaka 25*
9. *Batendekeddwa ku ngeri y'okukungaanya obubaka ku baagala okulamaga mu nsi entukuvu*
10. *Eyawandiika ku byafaayo bya Bishop L. Mukasa afiiridde mu kabenje*
11. *Bishop L. Mukasa azzizzaayo omuzigo*
12. *Bategekedde abavubuka okwezza obuggya*
13. *Akawuka mu bafumbo keeraliikirizza Omwepisikoopi*
14. *Batikiddwa mu by'emikono*
15. *Centenary Bank etaddewo ettabi e Kapeeka*
16. *Abavubuka balabuddwa ku bannakigwaanyizi*
17. *Omukozi wa diocese asaana ayawukane ku balala-Bp. L. Mukasa*
18. *Aba Caritas basisinkanye Omusumba*
19. *Owa Caritas ajaguzza emyaka 45 mu bufumbo obutukuvu*
20. *Aba Radio Maria batema mpenda*
21. *Okulamaga mu nsi entukuvu kutegekebwa*
22. *Abakunze ku migabo mu Centenary bank*




OUR LADY OF ANNUNCIATION KASAALA PARISH (1945)



OUR LADY CONSOLATA KAPEEKA PARISH (2004)



UGANDA MARTYRS PARISH KIWOKO (2012)



OUR LADY HELP OF THE CHRISTIANS KIJAGUZO PARISH (1937)



ST. PAUL'S JUBILEE CATHOLIC PARISH KATUUGO (2021)



ST. KIZITO NAKASEKE PARISH (1988)



# Obubaka bw'Omukungaanya

Abantu ba Katonda mwenna mbalamusizza nnyo.

Mbakulisaayo mu biseera by'Eggandaalo ly'Amazaalibwa ga Mukama Waffe. Mbakulisa okumalako omwaka 2023; ate kati twebaze Omukama olw'okutuyingiza mu guno omuggya ogwa 2024.

Tumaze akabanga nga akatabo kaffe kano 'KASANA' ak'amawulire g'Essaza tekafuluma, wabula Omukama wa ttendo kakomyeewo.
Mu kano, tukuleetedde ebikoze amawulire mu myezi egyasembyeeyo mu mwaka gwetumazeeko, n'ebitono mu guno ogutandise.
Mbaagaliza okukasoma obulungi mutambule n'okumanya.
Omukama Katonda abampeere omukisa mu mwaka gwonna.

***N.B: Bwoba olina ensonga yonna ekwata ku katabo kano ntuukirira ku ndagiriro eno wammanga;***



**Bernard Bakalu**
**Phone contact[s]: 0773-058-220 / 0701-399-026**
**Email: bernardbakalu@gmail.com**

# Wofiisi z'Essaza zizzeemu okuweereza

Ku Monday nga 8 January, 2024, wofiisi z'Essaza lwe zagguddwaawo okuddamu okuweereza okuva mu luwummula lw'Amazaalibwa ga Mukama waffe Yezu Kristu. Wofiisi ezo, kinajjukirwa nti, zaggalwaawo ku Lwokuna nga 21 December, 2023.

Mu bubaka bwe yaweerezza Abakozi b'Essaza, Chancellor w'Essaza Rev. Fr. Cyril Kasigwa Sande, ku makya ga 8 January, yabategeezezza nti: "Olwa leero tuddamu emirimu. Wofiisi zaffe zaakuggulwaawo ku ssaawa entongole; ate ku Lwokusatu luno nga 10 January, tujja kufuna Missa y'Abakozi nga era Kitaffe Omusumba Lawrence Mukasa y'ajja okugikulembera."
Yagasseeko nti: "Njagala era okubategeeza nti olunaku oluggya olwa wofiisi ku Kitebe ky'Essaza lugenda kubeeranga Lwakusatu. Bishop, Abakulira Ebitongole, n'Abakozi mu zi wofiisi ez'enjawulo baakubeerangawo mu bulaambalamba okulaba abantu/abagenyi.


Wabula abakozi mu zi wofiisi ez'enjawulo bo baakubeerangawo ku nnaku endala zonna eza wiiki nga obwetaavu bwe buli."
Yakaatirizza nti: "Ku Lwokusatu tujja kubeerangawo mu butongole okulaba abagenyi/ abakimye obuweereza."

Fr. C. Kasigwa Sande yategeezezza nti okumala emyaka egiweze, enkola ebadde nti: olunaku lwa wofiisi Lwakubiri, naye kati bikyuuseemu, Lwakusatu nga era bwe kyaaliko emabegako.

Ensonga yagambye nti ku Lwokubiri lwe lunaku Abasaseredooti abasinga lwe balaba abantu mu Parishes zaabwe era nti babadde basanga obuzibu ate okubeera nga bajja ku Kitebe ky'Essaza ku lunaku lwe lumu olwo. *"Mbaagaliza emikisa gya Katonda mu 2024," bwe yakomekkerezza bwatyo.*




Ekizimbe okuli wofiisi z'Essaza nga bwe kifaanana wabweru, 8th January 2024.



Ms. Annet Nantaba ayaniriza abagenyi (Receptionist) nga ali ku desk ye, 8th January 2024.



Ms. Stella Tikabula omukozi mu wofiisi y'eby'obulamu nga atandise okukakkalabya, 8th January 2024



Ms. Cathy Nakawungu omukozi mu wofiisi y'Ebyenjigiriza (atunudde ku computer ye) nga atandise okuweereza. Ku mabbali nga waliwo omugenyi awandiika mu kitabo ky'abagenyi, 8th January 2024.



Ms. Gabriella Atuha omukozi mu wofiisi y'Ebyensimbi nga atandise okuweereza, 8th January 2024.



Ms. Rita Kemigisa (Accounts Assistant) nga atandise okukakkalabya, 8th January 2024.

# Obutamiivu mubuleke, Abasomesa basabiddwa

Ku Lwomukaaga nga 30 December 2023, Abasomesa b'Eddiini (Catechists) mu Ssaza, lwe basooka okusisinkana Omwepisikoopi w'Essaza lya Kasana-Luweero omuggya Lawrence Mukasa. Ensisinkano eno yali ku Kitebe ky'Essaza, e Kasana. Kw'olwo era lwe baajagulizaako olunaku lwaabwe olw'Abasomesa, lwe bakuza buli mwaka. Omukolo gwatandika n'Ekitambiro kya Missa, mu Lutikko e Kasana; nga kyakulemberwa Bishop L. Mukasa. Bwe yali ayigiriza, yabasaba okwewala okugenda obutereevu ku kituuti okulangirira Amawulire agasanyusa nga tebasoose kwetereeza bulungi.

***"Bannange Abasomesa, tova buvi eri n'ogenda ku katuuti kuyigiriza, tova buvi mu bbaala gwe n'ogenda butereevu okuyigiriza, sooka weetereeze. Obutamiivu buleke"*** bwe yabagamba bwatyo.

Bishop L. Mukasa, era yabeebaza olwa byonna bye baakola mu nteekateeka z'Omukolo gw'Okumutukuza n'okumutuuza ogwaliwo nga 5 August 2023. Mu Missa y'emu eyo, Abasomesa baddamu okukuba ebirayiro byaabwe eby'obuweereza. Abasomesa ekikumi mw'ataano mu mukaaga (156), abaalondebwa mu kalulu k'Abakulembeze b'Abasomesa ku mitendera egy'enjawulo, ogwa Zones, Parishes, Deanery ate ne ku Ssaza akaaliwo okuva nga 6 October 2023 okutuuka nga 27 October 2023, nabo baakuba ebirayiro byaabwe eby'obuweereza. Bano ekisanja kyabwe kya myaka etaano okuva 2023 okutuuka mu 2028.

Oluvannyuma lwa Missa, bwe yali ayogerera mu nsisinkano y'emu, Dayirekita w'Abasomesa, Msgr. Francis Xavier Mpanga era nga ye Vicar General wa Kasana-Luweero, yeebaza nnyo Omwepisikoopi olw'okukkiriza okusisinkana Abasomesa awamu ku lunaku lwaabwe. Oluvannyuma Abasomesa bonna Omusumba L. Mukasa yabakyaaza mu Maka ge gye yabagabulira.



Abamu ku basomesa nga bakuba ebirayiro mu Missa y'Olunaku lwabwe nga 30th December 2023.



Abasomesa nga bakuba ebirayiro mu Missa y'Olunaku lwabwe nga 30th December 2023.



Bishop L. Mukasa wabweru wa Lutikko e Kasana mu kifaananyi ekyawamu ne Vicar General Msgr Francis X. Mpanga ku ddyo we, n'eyaliko Vicar General Msgr. Matthias Kanyerezi ku kkono we n'Abasaserdooti abalala oluvannyuma lwa Missa y'Olunaku lw'Abasomesa, 30th December 2023.



Musomesa Charles Nsereko nga alambika mu Missa y'Olunaku lw'Abasomesa, 30th December 2023.

# Akulembedde Missa ye esoose ey'Amazaalibwa



Abamu Bishop Lawrence Mukasa nga atambula n'abalala mu nnyiriri okwolekera Lutikko okukulembera Missa y'Amazaalibwa, 25 December 2023.

Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa yakulembera Missa ye ey'Amazaalibwa ga Mukama Waffe Yezu Kristu eyasookera ddala mu Lutikko e Kasana, bukyanga atuuzibwa ku Ntebe y'Obwepisikoopi.

Kinajjukirwa nti: Bishop L. Mukasa yatukuzibwa era n'atuuzibwa ku Ntebe y'Obwepisikoopi nga 5 August 2023, ku mukolo mawuuno ogwali ku Kitebe ky'Essaza e Kasana.

Kati nno, nga 25 December 2023, yakulembera Missa ey'Essaawa ennya (10.00 a.m.), ey'Amazaalibwa.

Bwe yali ayigiriza, Bishop L. Mukasa yagamba, ku beeyagaliza bokka na bokka, nga bagobaganya abantu ku ttaka, okukikomya, n'abasaba okulumirwa Bannaabwe. Yabuuza nti: oli bwagula ekyaalo kiramba, abeera ayagala abalala babeere wa? Mu ngeri y'emu, yatabukira abafulumya ebyaapa ebiwera, ku ttaka ly'erimu, nagamba nti: nakyo kikyamu nnyo.

Oluvannyuma lwa Missa eyo, Omukulu w'Ekifo kya Kasana Cathedral, Rev. Fr. Denis Ssebuggwaawo, yakubiriza Abakristu okutandika okwetegekera olugendo lw'Okulamaga mu nsi entukuvu mu 2025. Ssaabakristu w'Essaza Mw. Ronald Ssemakula, ye mu kwogera kwe, yakubiriza Abazadde okuweerera abaana.



Abamu ku Bammemba ba Choir nga batambula n'abalala Omuli ne Bishop L. Mukasa mu nnyiriri okwolekera Lutikko okwetaba mu Missa y'Amazaalibwa, 25 December 2023.

# Batendekeddwa mu kusaka amawulire

Abawandiisi ku Nkiiko za Parish zonna, mu Ssaza lya Kasana-Luweero, baatendekebwa mu kusaka amawulire: Omusomo gwaliwo ku Lwokubiri, nga 19 December 2023, ku Kitebe ky'Essaza e Kasana.

Omuwandiisi Omukulu ku Lukiiko lw'Abakristu olw'Essaza olwa Executive, Mw. Mukwaya Lawrence, yategeeza 'KASANA' nti olukiiko olwo lwayitibwa okuteesa ku nsonga eziwera omwali: Abawandiisi okulambikibwa ku buvunaanyizibwa bwabwe, ku nteekateeka yaabwe eya 2024, okulaba engeri gye baneeyambisa Radio Maria akageri Essaza gye lyaafuna 'Mobile Studio', nga kw'otadde okubangulwa ku by'Amawulire n'entambuza yaago.

Bwe yali aweereddwa akakisa okwogerako gye bali, Munnamawulire w'Essaza, Mw. Bernard Bakalu, yabawa obukugu obusookerwaako mu kusaka amawulire: "Buli we mubeera oba mu nkiiko ze muba mutuuzizza, bino ebibuuzo bye muba mweddamu nga mulina kye mulowoozezza oba kye mulabye nti kikola amawulire. Ekisooka: webuuze nti kiki ekibaddewo? Ekyokubiri: webuuze nti kibadde wa? Ekyokusatu: webuuze nti kibaddewo ddi? Ekyookuna: webuuze nti ate akwatibwaako ku kintu ekyo kyogezaako okutumanyisa, okugeza b'ani ababaddewo; oba nti b'ani abakoseddwa? Ekyokutaano: webuuze lwaki kibaddewo? Ekiddako awo: webuuze kibaddewo mu ngeri ki?" Mw. B. Bakalu, bwe yabategeeza bw'atyo.

Baateekawo omukutu gwa ***Whatsapp*** mwe banaaweererezaanga amawulire nga n'ebifaananyi omwo, awo Munnamawulire w'Essaza n'abalala b'akola nabo nga mwe banaasinziira okugajja ate okugatereeza okugongerayo ku mikutu emirala omuli: akatabo 'KASANA', Website y'Essaza ***kasanaluweerodiocese.org***, facebook page eri mu mannya Kasana Luweero Diocese, Twitter @KasanaDiocese, Magazines z'emikolo gy'Essaza n'ewalala.

# Ekigo kiweza emyaka 125 omwaka guno



***Parish y'e Nandere nga bw'efaanana.***

Omwaka guno (2024), Ekigo ekisinga obukadde, mu Ssaza lya Kasana-Luweero, eky'e Nandere mwe kiwereza emyaka 125, bukyanga kitandikibwaawo. Ku Lwokutaano nga 8 December 2023 Ekigo ekyogerwaako lwe kyajaguza emyaka 124. Parish y'e Nandere eno yatandikibwaawo mu 1899. Mu kujaguza emyaka 124, Vicar General w'Essaza lya Kasana-Luweero, Msgr. Francis Xavier Mpanga, ye yakulemberamu Missa nga ayambibwaako Omukulu w'Ekifo, Rev. Fr. Matthias Jjooga.

# Bishop L. Mukasa yeebazizza Paalamenti

Ku Lwokusatu nga 6 December 2023 Omwepisikoopi w'Essaza lya Kasana-Luweero, Lawrence Mukasa, yagenda ku Paalamenti n'akulembera Missa mwe yeebaliza Ababaka olw'okuwagira enteekateeka z'omukolo gw'Okumutuuza n'okumutuuza ogwaliwo nga 5 Augusto 2023. Bishop L. Mukasa yawerekerwaako: Vicar General Msgr. Francis X. Mpanga, Frs. Cyril Kasigwa (Chancellor), Joseph M. Miiro (Vice Chancellor), Pontian Ssonko (Treasurer General)Boniface Muzira ne Hilary Muheezangango.

Mu ngeri y'emu, Bishop L. Mukasa yawerekerwaako abamu ku Bakristu nga baakulemberwaamu Ssaabakristu w'Essaza Mw. Ronald Ssemakula. Abalala kwaliko Mw. Ssemukaaya John Leonard, Mw. Mukwaya Lawrence n'abalala. Missa eyo yeetabwaamu Amyuuka Sipiika Owek. Thomas Tayebwa, n'Ababaka abawera.



***Bishop L. Mukasa, mu Missa ku Paalamenti, 6th December 2023. Amuddiridde ku ddyo we ye Rev. Fr. Joseph Mike Miiro, Vice Chancellor wa Kasana-Luweero Diocese.***



***Amyuuka Sipiika wa Paalamenti Owek. Thomas Tayebwa (Mu suuti eya blue) mu Missa Bishop L. Mukasa gye yakulembera ku Paalamenti, 6th December 2023.***



***Ssaabasumba wa Kampala Paul Ssemogerere nga assa emikono ku Bishop L. Mukasa ku mukolo gw'Okumutukuza n'Okumutuuza e Kasana, 5th August 2023.***

# Parish y'e Ziroobwe ejaguzza emyaka 25

Holy Trinity Ziroobwe Parish yajaguzza emyaka 25 (Silver Jubilee), bukyanga etandikibwaawo. Omukolo guno gwaliwo ku Lwomukaaga nga 16 December, 2023. Kinajjukirwa nti, yatandikibwawo mu 1998. Yajagulizza wansi w'Omulamwa ogugamba nti: "Mwagalanenga nga nze bwe mbaagadde" (John 15:12). Rev. Fr. Vincent Mukiibi ye Mukulu w'Ekifo, nga ayambibwako Rev. Frs. Joachim Anglio ne Edward Mulindwa.



*Klezia ya Parish y'e Ziroobwe*

# Batendekeddwa ku ngeri y'okukungaanya obubaka ku baagala okulamaga mu nsi entukuvu

Ku Lwokuna nga 30 November 2023 Ba Executive Secretaries ba Parishes bonna, okwetoloola Essaza, baakungaanira ku Pope John Paul II Pastoral Center (PJPIIPC) e Kasana ne batendekebwa ku ngeri y'okukungaanyaamu ebyo ebikwata / ebifa ku bantu abaagala okulamaga mu nsi entukuvu. Mu mulimu ogwo, bagenda kuba nga beeyambisa ebyuuma bi-kali-magezi, okubaanguyiza omulimo. Essaza lya Kasana-Luweero liteekateeka okulamaga okwawamu, mu nsi entukuvu, mu mwaka gwa 2025. Mu kaweefube oyo, Omusumba waalyo, Lawrence Mukasa yatandika ku ky'okukubiriza Abakristu okwewandiisa nga bayita mu Parishes zaabwe.



***Mw. Kintu Harrison nga ali mu kutendeka Ba Executive Secretaries, 30th November, 2023.***



***Chancellor wa Kasana-Luweero Diocese, Rev. Fr. Cyril Kasigwa (Ataddeko gaalubindi), nga ali ne Ba Parish Executive Secretaries mu musomo ku ngeri y'okukungaanyamu ebikwata ku baagala okulamaga mu nsi entukuvu, 30th November 2023.***




***Owookutaano okuva ku ddyo (alina olukoba oluyise ku kifuba kye) ye Msgr. Lawrence Mukasa nga ali n'Abalamazi abalala mu nsi entukuvu nga 16 April 2017. Mu kiseera ekyo Msgr. Lawrence Mukasa, nga kati ye Musumba wa Kasana- Luweero, yali Vicar General wa Kiyinda- Mityana Diocese.***

# Eyawandiika ku byafaayo bya Bishop L. Mukasa afiiridde mu kabenje



Fr. Lawrence Yawe Mudduse, (omugenzi).



Emmotoka ye nga bwe yafaanana oluvannyuma lw'akabenje.

Rev. Fr. Lawrence Yawe Mudduse, nga ye yawandiika ku byafaayo bya Bishop Lawrence Mukasa, mu Katabo k'Omukolo gw'Okumutukuza n'Okumutuuza, nga 5 Augusto 2023, ku Bwepisikoopi bwa Kasana-Luweero diocese, yafiira mu kabenje.

Omugenzi, yafiira ku myaka 52. Yali wa Ssaza lya Kiyinda-Mityana era nga yali aweerereza mu Kigo ky'e Lwebisiriza. Yafa mu kiro kya Sunday, nga 26 November, 2023.

Fr. L. Mudduse akabenje yakafunira ku kyaalo Kabagaya ku luguudo lw'e Mityana okudda e Hoima bwe yali adda mu Kigo ky'e Lwebisiriza nga ava ku mukolo gw'Olunaku lw'Essaza lya Kiyinda-Mityana.

Okusinziira ku beerabirako n'agaabwe, ddereeva wa taxi emanyiddwa ennyo nga drone yagezaako okwewala okutomera owa pikipiki ya boodabooda awo we yava neeyiingirira emmotoka ya Fr. L. Mudduse Suzuki Nnamba UAW 369C.

Abadduukirize basooka kumuddusa mu ddwaliro ly'e Kiboga; wabula olw'embeera embi yayongerwaayo mu ddwaliro e Nsambya, naye, ebyembi, yafiira mu kkubo. Fr. L. Mudduse yafuna Obusaserdooti mu 2000.



**Taxi nga bwe yafaanana oluvannyuma lw'akabenje**



## Ebyafaayo by'Obulamu n'Obutume bwa Msgr. Lawrence Mukasa


Obuzaale bwa Bishop Lawrence Mukasa

Bya Rev. Fr. Lawrence Yawe Mudduse

**Ekifaananyi ekyaakubiddwa ku page mu Katabo k'Omukolo gw'Okutuuza Bishop Lawrence Mukasa, Fr. L. Mudduse kwe yawandiika ebyafaayo by'Omugole.**




**Akatabo k'Omukolo gw'Okutuuza Bishop Lawrence Mukasa nga bwe kaafaanana ku ngulu.**



## A biographical note of Bishop Lawrence Mukasa

By Fr. Lawrence Yawe Mudduse

**Ekifaananyi ekyaakubiddwa ku page mu Katabo k'Omukolo gw'Okutuuza Bishop Lawrence Mukasa, Fr. L. Mudduse kwe yawandiika ebyafaayo ku Bishop L. Mukasa mu Lungereza.**

# Bishop L. Mukasa azizzaayo omuzigo

Oluvannyuma lw'okuzaalibwa aba Kiyinda-Mityana Diocese, nga Omwepisikoopi wa Kasana-Luweero, Omusumba Lawrence Mukasa yessa mu ddene ku Sunday nga 26 November 2023, nazzaayo omuzigo.

Yawerekerwaako Bannakasana abawera.
Ku lunaku olwo, lwe yaddizaayoko omuzigo, era n'Essaza lya Kiyinda-Mityana lwe lyali lijaguza olunaku lwaalyo, olw'emyaka 42 egy'obukulu.

Bishop L. Mukasa ye yali omutambizi omukulu. Mu Missa eyo, gye yakulembera, yeebaza Bannakiyinda-Mityana olwa byonna bye baamukolera ku mukolo gw'Okumutuuza n'okumutuuza, nga 5 Augusto, 2023, e Kasana.
Vicar General wa Kasana-Luweero Diocese, Msgr. Francis Xavier Mpanga, bwe yali ayogerera ku mukolo gwe gumu ogwo, yasooka kuyozaayoza Bannakiyinda-Mityana olw'okuweza emyaka 42 nga Essaza. Okwo yazzaako okubeebaza olw'okuzaalira Bannakasana-Luweero Omusumba.

Msgr. F.X. Mpanga yategeeza nti: kati Amasaza erya Kasana-Luweero n'erya Kiyinda-Mityana gafunye obwasseruganda. Bishop Joseph A. Zziwa, naye, yeebaza Bishop L. Mukasa olw'okuzza omuzigo.

Kinajjukirwa nti bwe yali tannalondebwa ku Bwepisikoopi bwa Kasana-Luweero nga akyaali Msgr L. Mukasa, yali Vicar General wa Kiyinda-Mityana okumala emyaka 18. Bishop Joseph Anthony Zziwa, yamwebaza olw'obuweereza bwe mu Kiyinda-Mityana era namwagaliza obuweereza obulungi e Kasana-Luweero.



**_Bishop L. Mukasa nga ayogerako eri Abakkiriza ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023._**



**_Bishop L. Mukasa (ku ddyo) nga agenda okusika Bishop Joseph Anthony Zziwa mu mukono ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023._**



**_Bishop L. Mukasa (ku ddyo) nga aliko ekiwandiiko kyakwasa Bishop Joseph Anthony Zziwa ku Mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda - Mityana, 26th November 2023_**



**_Abamu ku Bannakasana-Luweero ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023._**



Bannakasana-Luweero abalala ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Bannakasana-Luweero mu tent yaabwe ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Bishop L. Mukasa nga ayigiriza mu Missa gye yakulembera ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Bishop L. Mukasa nga ayambibwaako Bishop Joseph A. Zziwa ne Bafaaza mu Missa y'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Bishop L. Mukasa nga agenda okuwa omukisa ogusemba mu Missa y'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Ssaabakristu wa Kasana-Luweero Diocese Mw. Ronald Ssemakula nga ayogerera ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023. Abamubugirizza be bamu ku Bammemba b'Akakiiko ka Diocesan Executive Committee kaakulembera.



Vicar General wa Kasana-Luweero Diocese Msgr. Francis Xavier Mpanga nga ayogerera ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023. Abamubugirizza be bamu ku Bammemba b'Akakiiko ka Diocesan Executive Committee akakulemberwa Ssaabakristu w'Essaza Mw. Ronald Ssemakula (mu ssuuti eya grey).



Bishop Joseph A. Zziwa ne Bishop L. Mukasa nga bawa Omukisa Ssaabakristu wa Kasana-Luweero Diocese Mw. Ronald Ssemakula ne Bammemba ku kakiiko kaakulembera aka Diocesan Executive Committee ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Vicar General wa Kasana-Luweero Diocese Msgr. Francis X. Mpanga nga aliko ekirabo kyakwasa Bishop Joseph A. Zziwa ku lwa Kasana-Luweero Diocese ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Abamu ku Basaserdooti ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.



Omusumba wa Kiyinda-Mityana Diocese Bishop Joseph A. Zziwa (ku kkono) ne Bishop L. Mukasa owa Kasana-Luweero Diocese mu kifaananyi ekyababiri ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.




Okuva ku kkono Omusumba wa Kiyinda-Mityana Diocese Bishop Joseph A. Zziwa, Bishop L. Mukasa owa Kasana-Luweero Diocese ne Minisita w'ebyettaka, amayumba n'enkulaakulana y'ebibuga Hon. Judith Nabakooba n'Omubaka wa Bamunanika mu Paalamenti Hon. Robert Ssekitooleko nga bawayaamu ku mukolo gw'okuzzaayo omuzigo e Kiyinda-Mityana, 26th November 2023.

# Bategekedde abavubuka okwezza obuggya

Ab'Ekitongole kya Catholic Charismatic Renewal, mu Ssaza lya Kasana-Luweero, baategese olukungaana lw'Abavubuka olw'okwezza obuggya.

Olukungaana olwogerwaako nga lwatuumwa "Omuvubuka sisinkana Yezu" lwatuula okuva nga 9 January okutuuka nga 14 January, 2024 ku KLD Nazareth Kindergarten, e Kasana.


CATHOLIC CHRISMATIC RENEWAL

KASANA- LUWEERO DIOCESE

30/11/2023

AB'OKWEZZA OBUGGYA BATEGESE OLUKUNGAANA LW'ABAVUBUKA OLWA BULI MWAKA ERA BAYITA ABAVUBUKA BONNA OKULWETABAMU.

LUYITIDDWA "OMUVUBUKA SISINKANA YEZU" (YOUTH ENCOUNTER CHRIST)

ENNAKU Z'OMWEZI : 9-14 /JANUARY/2024

EKIFO : KLD NAZARETH KINDERGATTEN – KASANA PARISH

OMULAMWA: NYINZA BYONNA MU KRISTU YESU AMPA AMANYI

CONTRIBUTION: 10,000/=

JANGU OKWATIBWEKO ERA ONYUMIRWE OLUWUMMULA NG'OSISINKANA YEZU NE BAVUBUKA BANO

N.B: JANGU N'EKITABO, PEN, EBY'OKWEBIKA, WAMU NE BIBLE

CONTACT:

FR. BALIKUDDEMBE 0782776489

MARIA: 0772959783

NATHAN: 0705783720

GORRET: 0781406328

**Copy y'Ekirango ky'Olukungaana lw'Abavubuka.**

Luno lwali ku mulamwa ogugamba nti: "Nyinza byonna mu Kristu Yezu ampa amaanyi" Mu kiwandiiko ekiyita Abavubuka okulwetabamu nga kyaliko ennaku z'omwezi 30 November 2023, abavubuka baasabibwa okujja n'ekitabo, ekkalaamu, eby'okwebikka nga kw'otadde ne Bayibuli.

Omu ku baategeka olukungaana olwo, Ms. Goretti Nakyanzi yategeezezza 'KASANA', nti: Abavubuka babuulirirwa ku mukwano Katonda gwalina gye bali nga kino kyakubayamba okusigala nga banyweevu mu kukkiriza ne wankubadde nga omuyaga ogubayuuza mungi mu by'ensi.
Mu ngeri y'emu baaweebwa amagezi ku ngeri gye bayinza okwebuzaanga ku bakulu ababasingako buli lwe babeera n'ebisomoozo wakati mu kwesiga Katonda nga bayita mu ssaala.

Abavubuka era baayigirizibwa ku by'okuyingiza ensimbi nga bayita mu makubo amatuufu. Mulimu okuwa ekimu eky'ekkumi, okuyamba abatalina mwasirizi, nga kwotadde n'okwefaako ate era nga bagabanako ne bavubuka bannaabwe ku katono ke baba nako. Bajjukizibwa nti bajulizi ba Kristu yonna gye babeera.

Abavubuka baategeezebwa nti obubenje bungi ku nguudo, naye nti ssi bwe bwokka, n'okufa nga omuvubuka tamanyi Kristu nako kabeera kabenje mu ngeri yaako. Okukola business awatali kwesigama ku Kristu nako, kabeera kabenje n'ebirala byonna nga temuli Kristu bifuuka bubenje.

Abavubuka abeetaba mu lukungaana olwo, baazannya emizannyo egy'enjawulo nga enteekateeka yokwewumuzaamu kko, nga kwotadde abaali balaba firimu nga eya David nga ayambalaganye ne Goliath.
Baatendekebwa ne mu byemikono okugeza okukola Sumbuusa okusobola okwenogera ku nnusu n'ebirala.



**Abamu ku bavubuka mu nga baliko bye beegeyaamu kko mu lukungaana, ku KLD Nazareth Kindergarten, e Kasana, January 11, 2024.**



Abamu ku bavubuka mu nga baliko omuzannyo gwebetabyeemu mu biseera byaabwe eby'eddembe mu lukungaana, ku KLD Nazareth Kindergarten, e Kasana, January 12, 2024.



Abamu ku bavubuka mu biseera byaabwe eby'eddembe mu lukungaana, ku KLD Nazareth Kindergarten, e Kasana, January 13, 2024.

# Akawuka mu bafumbo keeraliiikirizza Omwepisikoopi

Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero, Lawrence Mukasa, mwennyamivu olw'Abafumbo okukwatibwa akawuka akaleeta mukenenya. Okutuuka ku bino, yali ayigiriza mu Missa, nga Essaza lijaguza olunaku lw'Abafumbo, ku Sunday nga 3 December 2023, nga lwakulirizibwa mu Kigo ky'e Nattyoole. Bishop L. Mukasa yagambye nti: kibi nnyo okuwulira nti abafumbo balina akawuka. Yakkaatirizza nti: siriimu tasaana kuwulirwa mu bafumbo.

Abeetaba ku mukolo gw'Abafumbo, guno, baava mu Bigo eby'enjawulo okwetoloola Essaza. Yabawa gaabuwa buli omu obutawa munne ggaapu, nga enjogera ya leero, nga buli wamu bagenda bonna, kikendeeze ku mbeera eyinza okuleetawo ebikemo ebivaamu okubaliga ate nebakomboolezaamu mukeneya.

Omukulu w'Ekifo ky'e Nattyoole, Rev. Fr. Joseph Nsereko, yasaba Abafumbo, obufumbo babwaagazise abavubuka, nga bakola ebyo ebibasikiriza okubwettanira.

Ate ye Rev. Fr. Matthias Ssennyange, nga ye Chaplain w'Abafumbo mu Ssaza, yakuutira abafumbo obutaterebuka nga babusanzeemu ebisoomoozo. Teyakoma okwo, era yasaba abazadde obutasaba mutwalo gususse, kubanga gulemesa bangi obufumbo obutukuvu.

Ssaabafumbo w'Essaza, Mw. Mukasa Danze Steven, yategeeza nga bwe baatandisewo pulojekiti y'obuuma obusaawa omuddo; nga lino kkubo eritemeddwa okulaba nga wabaawo ennyingiza mu kitongole ky'Abafumbo.



Bishop Lawrence Mukasa n'Abatambizi abalala mu kifaananyi eky'awamu n'abamu ku bafumbo oluvannyuma lwa Missa y'Olunaku lw'Essaza olw'Abafumbo, 3rd December 2023, e Nattyoole.



Abafumbo nga batuuka mu kifo awaategekebebwa omukolo ogwaddako oluvannyuma lwa Missa mu Klezia, 3rd December 2023, e Nattyoole.



***Bishop L. Mukasa n'Abafumbo nga batuuka mu kifo awaategekebebwa omukolo ogwaddako oluvannyuma lwa Missa mu Klezia, 3rd December 2023, e Nattyoole.***



***Bishop L. Mukasa nga awa omukisa oluvannyuma lw'Abafumbo okumutonera Embuzi, 3rd December 2023, e Nattyoole.***



***Bishop L. Mukasa nga aliko Omukyala gw'akwaasa Certificate olw'obuweereza mu Kitongole ky'Abafumbo, 3rd December 2023, e Nattyoole.***



***Abafumbo nga batonera Chaplain waabwe mu Ssaza, Rev. Fr. Matthias Ssennyange, Embuzi, 3rd ecember 2023,e Nattyoole.***

# Batikiddwa mu Byemikono

Ettendekero lya St. Mary's Vocational Training Institute Kasaala lyatikkira abayizi mu Byemikono. Omukolo gwaaliwo ku Lwokutaano nga 19 November 2023. Gano ge gaali amatikkira gaalyo ag'omulundi ogw'e 19. Omugenyi omukulu yali Mumyuuka wa Kkangaawo, Mky. Namagembe Magret Mutyaba.

# Centenary Bank etaddewo ettabi e Kapeeka




***Ekifaananyi kya Bbanka yonna nga bw'erabika wabweru.***



**Bishop L. Mukasa nga asala akagwa mu kutongoza Bbanka ya Centenary, ettabi ery'e Kapeeka, 21 November 2023.**

Bbanka ya Klezia eya Centenary yataddewo ettabi e Kapeeka, mu Disitulikiti y'e Nakaseke. Kinajjukirwa nti mu mwezi gwa October 2022, Rt. Rev. Paul Ssemogerere, nga mu kiseera ekyo ye yali Omwepisikoopi wa Kasana-Luweero era nga mu kiseera kye kimu ye yali akuuma Essaza Ekkulu erya Kampala, yakola omukolo gw'okutema evvuunike ku mulimu ogwaali gutandikiddwaako okuzimba bbanka eyo. Kw'olwo Bishop P. Ssemogerere yategeeza nti mu mwaka gumu, mu maaso, asuubira bbanka eyo okubeera nga eggulwawo. Kati bwe y'ali akuliddemu omukolo gw'okugitongoza, Omwepisikoopi wa Kasana-Luweero Lawrence Mukasa yakunga BannaKapeeka okugyettanira era bagyeyambise. Bishop omuggya, Lawrence Mukasa,yagiggulawo ku Lwokubiri nga 21 November 2023. Bishop L. Mukasa yagamba nti: yasaalirwa nnyo okubeera nti Ssaabasumba Paul Ssemogerere, eyatandika ku mulimu gwa Bbanka eno, teyaliiwo mu kugitongoza. Yakulisa Abasaserdooti olw'obuwanguzi buno; n'agamba nti okusiga mu Bbanka eno kyakuzaala ku magoba ate aganaabayamba mu birala. Yeebaza Bafaaza Jude Masembe ne Pontian Ssonko ne be bakoze nabo okulaba nga Bbanka eno ezimbibwa.



**Bishop L. Mukasa nga yeegattiddwaako abakozi ba Bbanka ya Centenary, n'Abasaserdooti mu kusala Cake, ku mukolo gw'okutongoza ettabi ly'e Kapeeka, 21 November 2023.**



**Bishop L. Mukasa mu kifaananyi ekyawamu n'abakozi ba Bbanka ya Centenary, Omusaseredooti, n'abamu ku Bakristu ku mukolo gw'okutongoza ettabi ly'e Kapeeka, 21 November 2023.**

# Abavubuka balabuddwa ku bannakigwaanyizi

Ku Lwomukaaga nga 18 November 2023 abavubuka, okuva mu Parishes ez'enjawulo okwetoloola Essaza, baakungaanira ku St. Kizito Youth Center (SKY-C)e Kibanvu mu Parish y'e Katikamu okujaguza olunaku lwaabwe olw'Essaza.

Omwepisikoopi w'Essaza lya Kasana-Luweero, Lawrence Mukasa, ye yakulembera Missa. Bwe yali ayigiriza, yasaba abavubuka okwewala okukozesebwa bannakigwaanyizi, kubanga tebalina kalungi ke babaagaliza okuggyako okubaddugaliza ebiseera byaabwe eby'omu maaso.

Okusinziira ku Bishop L. Mukasa, abavubuka, olw'okuba babeera mu myaaka gya maanyi, balina ebitone, nga era bingi bye basobola okuggusa amangu, bannakigwanyizi beeyambisa nnyo akakisa ako okubakozesa okuggusa ebyaabwe, naddala bannabyabufuzi.

Chaplain w'Abavubuka mu Ssaza, Rev. Fr. Boniface Ssenteza, yategeeza nti: Bishop L. Mukasa ye yali Omwepisikoopi omubereberye okukulemberera Missa mu kifo ekyo.

Fr. B. Ssenteza yategeeza nti Bishop Paul Ssemogerere, lwe yakituukako naatema evvuunike, mu kiseera ekyo nga akyaali wa Kasana-Luweero, yakulembera Ssaala zokka. Ssaabavubuka w'Essaza, Mw. Kaweesi Patrick, yategeeza nti: Ekifo ekyo bagenda kufuba okulaba nga abavubuka bakiganyulwaamu nga batendekebwa mu bintu ebigasa obulamu bwaabwe nga kw'otadde n'okutangaaza ebiseera byaabwe eby'omumaaso. Ku mukolo gwe gumu, Abavubuka, okuva mu buli Parish, baatona Cement: okudduukirira eddimu ly'okwongera okuzimba Ekifo ekyo, kituukagane n'Omutindo.



***Ssaabavubuka w'Essaza, Mw. Kaweesi Patrick, nga atona mu Missa y'olunaku lw'Abavubuka e Kibanvu, 18th November 2023.***



***Bishop L. Mukasa, mu kifaananyi ekyawamu n'Abatambizi abalala, oluvannyuma lwa Missa y'olunaku lw'Abavubuka e Kibanvu, 18th November 2023.***



***Abavubuka mu kifaananyi ekyawamu ne Bishop L. Mukasa oluvannyuma lwa Missa y'Olunaku lwaabwe, 18th November 2023.***



***Omu ku bavubuka nga akwasa Omusumba L. Mukasa ebbaasa omuli ensimbi z'okugula Cement, 18th November 2023, e Kibanvu.***

# Omukozi wa diocese asaana ayawukane ku balala - Bp. L. Mukasa

Ku Lwokusatu, nga 1 November 2023, Rt. Rev. Lawrence Mukasa, Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero, lwe yasooka okusisinkana Abakozi b'Essaza bonna omulundi gumu bukyanga atuuzibwa ku Ntebe y'Obwepisikoopi,nga 5 Augusto 2023. Ensisinkano eyo, eyali mu kifo awatuukirwa abagenyi ku Wofiisi z'Essaza, yatandika na Kitambiro kya Missa ye kennyini kye yakulembera. Mu Missa y'emu eyo mwalimu n'okusabira emyoyo gy'abagenzi.

Bwe yali ayigiriza, Bishop L. Mukasa yategeeza abakozi b'Essaza nti: balina okubeera ab'enjawulo ku bakozi abalala bonna mu bitongole okwetoloola Eggwanga n'Ensi yonna okutwaliza awamu.

"Tuli bakozi ba Katonda, tukola gya bwa Katonda. Omukozi wa diocese asaana ayawukane ku bakozi abalala," bwe yabategeeza bw'atyo.

Bishop L. Mukasa yagenda mu maaso: "Tusooka gya bwa Katonda ne tulyooka tukola emirala. Essaala ebeere kintu kye tusookerako, buli we tubeera. Buli ky'oba ogenda okukola, sooka okube akabonero k'omusaalaba, olwo abakulaba n'abakuliraanye bajja kumanya nti oli wa njawulo, era ossa mu Katonda ekitiibwa."
Yeebazaabakoziolw'enteekateekaz'omukolo gw'Okumutukuza n'okumutuuza.



Bishop L. Mukasa nga ayigiriza mu Missa y'Abakozi, 1st November 2023, ku Kitebe ky'Essaza e Kasana.



Bishop L. Mukasa mu kifaananyi eky'awamu n'Abasaserdooti nga kw'otadde n'abamu ku bakozi b'Essaza oluvannyuma lwa Missa y'Abakozi, 1st November 2023, ku Kitebe ky'Essaza e Kasana.



Abakozi abakolera ku kizimbe ki 'Administration Block' mu kifaananyi eky'awamu ne Bishop L. Mukasa oluvannyuma lwa Missa y'Abakozi, 1st November 2023.



*Abakozi b'Essaza mu Missa yaabwe, ku Kitebe ky'Essaza, nga ekulembeddwamu Bishop L. Mukasa, 1st November 2023.*



*Abakozi abakolera mu kitongole ky'Essaza eky'Ebyenkulaakulana, ki Caritas Kasanaensis, mu kifaananyi eky'awamu ne Bishop L. Mukasa, oluvannyuma lwa Missa y'Abakozi, 1st November 2023.*

# Aba Caritas basisinkanye Omusumba

Oluvannyuma lw'emyezi ebiri nga Bishop Lawrence Mukasa amaze okutuuzibwa ku Ntebe y'Obwepisikoopi bwa Kasana-Luweero ku mukolo ogwaliwo nga 5 Augusto 2023, ab'Ekitongole ky'Ebyenkulaakulana eky'Essaza lya Kasana-Luweero, ekya "Caritas Kasanaensis", baamusisinkana okumuyitiramu ku ntambuza y'emirimu mu Kitongole ekyo.

Ensisinkano eno yaliwo ku Lwokubiri, nga 7 November 2023, mu wofiisi ye (Bishop L. Mukasa), ku Kitebe ky'Essaza e Kasana.

Abaakiikirira Ekitongole ekyo baali basatu nga baakulemberwaamu Rev. Fr. Jude Masembe nga ye Director wa Caritas Kasanaensis. Abalala nga bakozi kwaliko: Mky. Betty Namagala ne Mky. Sylvia Namuswe.



*Okuva ku kkono Mky. Betty Namagala, Bishop L. Mukasa, Rev. Fr. Jude Masembe ne Mky. Sylvia Namuswe mu wofiisi y'Omwepisikoopi, 7th November 2023.*

# Owa Caritas ajaguzza emyaka 45 mu bufumbo obutukuvu

Omukozi mu Kitongole ky'Essaza eky'Ebyenkulaakulana, ki "Caritas Kasanaensis" nga ye Logistics Officer, Mw. Hilary Mukiibi Wokulira, awamu ne Mukyala we Margret Mukiibi Zaawedde, baajaguza emyaka 45 mu bufumbo obutukuvu.

Abagole abo baagattibwa nga 9 September 1978, nga Omugenzi Rev. Fr Ceaser Mutyaba ye yabagatta mu Lutikko e Lubaga, Kampala.

Ku Bbalaza nga 6 November 2023, Rev. Fr. Jude Masembe Director wa Caritas Kasananesis yakulembera Missa ku wofiisi z'Ekitongole abaagalana mwe beebaliza Omukama olw'ekkula lye yabatusaako.

Bwe yali ayigiriza, Rev. Fr. J. Masembe, yakubiriza abavubuka, abakyanoonya abookufumbirwa n'abo abakyanoonya ab'okuwasa, abajaguza babatwale nga eky'okulabirako: kubanga ensangi zino bangi tebakyawangaala mu bufumbo, babumalamu myezi bwezi nga baawukana.



*Rev. Fr. Jude Masembe nga awa abagole, Omw. n'Omuky. Hilary Mukiibi Wokulira, omukisa, 6th November 2023.*



***Abakozi ba Caritas Kasanaensis nga bakwasa abagole, Omw. n'Omuky. Hilary Mukiibi Wokulira, Ekirabo, 6th November 2023.***



***Abagole Omw. n'Omuky. Hilary Mukiibi Wokulira nga basala Cake, 6th November 2023. Mky. Florence Musoke Nassanga nga abakubira mu ngalo.***



***Abagole Omw. n'Omuky. Hilary Mukiibi Wokulira nga bagabula Mky. Sylvia Namuswe Cake, 6th November 2023.***



***Abagole Omw. n'Omuky. Hilary Mukiibi Wokulira nga bagabula abakozi ba Caritas Kasanaensis Cake, 6th November 2023.***

# Aba Radio Maria batema mpenda

Abakwanaganya obuweereza bwa Radio Maria (mobile studio), mu Ssaza lya Kasana-Luweero, baasisinkana okutema empenda ku ngeri y'okwogera okubutumbula.

Ensisinkano eno yaliwo ku Lwokusatu nga 22 November, 2023 ku Kitebe ky'Essaza e Kasana, era nga we wasangibwa studio eyo.



***Abakwanaganya egya Radio Maria e Kasana nga bakulembeddwamu Mw. Joseph Kasozi (mu suuti) n'abalala mu lukiiko lwaabwe, 22nd November 2023.***



***Abakwanaganya egya Radio Maria e Kasana nga bakulembeddwamu Mw. Joseph Kasozi (mu suuti), mu kifaananyi ekyawamu, oluvannyuma lw'Olukiiko lwabwe, 22nd November 2023.***

# Okulamaga
## mu nsi entukuvu kutegekebwa

Essaza lya Kasana-Luweero lyatandise okukola ku nteekateeka z'Okulamaga mu nsi entukuvu. Okulamaga kuno kwakubeerawo mu mwaka gwa 2025. Omwepisikoopi w'Essaza lya Kasana-Luweero, Lawrence Mukasa, yakunze Abakristu okwewandiisa nga basinziira mu Parishes zaabwe. Era buli mikolo gyagenze yeetabako, nga akunga Abakristu okwewandiisa nga kw'otadde n'okutandika okutereka ku nsimbi ze banaasasulira olugendo. Ensimbi ezetaagisa, okusinziira ku bateesiteesi, ziri wakati w'obukadde bwa siriingi, zaakuno, mukaaga n'omusanvu.

Bwe yali ayogerako eri Abavubuka ku lunaku lwaabwe olw'Essaza, e Kibanvu nga 18 November 2023, Bishop L. Mukasa yakunga abavubuka: okusondera bazadde baabwe ensimbi basobole okukibawa nga ekirabo eky'Okulamaga mu nsi entukuvu.
Ate era Bishop L. Mukasa, bwe yali ayogerera ku mukolo gw'Abafumbo ogw'Essaza, ku Sunday nga 3 December 2023, e Nattyoole, yakunga Abafumbo ensonga y'Okulamaga eno bagiguze abaana baabwe abakola, basobole okubateekamu/okubasasulira ez'Okulamaga.


Mu buwuufu bwe bumu, bwe yali ayogerako eri Abakkiriza oluvannyuma lwa Missa y'Amazaalibwa mu Lutikko e Kasana, nga 25 December 2023, Akwanaganya emirimu gy'Obutume mu Ssaza (Pastoral Coordinator), Rev. Fr. Denis Ssebuggwaawo, yayongera okukubiriza Abakristu okwetegekera okulamaga kuno.

Mu ngeri y'emu ne Bishop Lawrence Mukasa, bwe yali ayogerako eri Abasomesa b'Eddiini ku mukolo gw'okujaguza olunaku lwaabwe olw'Essaza nga 30 December 2023 e Kasana, yabakubiriza okwewandiisa basobole okulamaga.

*"Bannange mwetegeke okulamaga, ssinga waakiri, ekitono, tufunayo Abasomesa 10 ne bakiikirira abalala, tekiba kibi,"* bwe yabagamba bwatyo.




***Ekipande ekiranga olugendo lw'Okulamaga mu nsi entukuvu. Kino kitiimbiddwa mu bifo ebiwera ku Ssaza ne mu Bigo [Parishes].***



# JERUSALEM PILGRIMAGE

## REGISTRATION FORM

Name: ______________________________

Village/Residence ______________ Outstation/Kisomesa ____________

Parish: ______________________________

Phone Number: ______________________________

Email: ______________________________

Do you have ID? ☐ Yes ☐ No

If Yes, what is the ID No.? ______________________________

Do you have Passport? ☐ Yes ☐ No

If Yes - Year of Issue ______________________________

- Year of Expiry ______________________________

- Number of Passport ______________________________

Do you have any other supporting Documents?

- Marriage certificate (copy) for the married

______________________________

- Employers recommendation (Workers)

______________________________

- Superior's approval (Religious)

______________________________

- Bank A/C Statement (If any)

______________________________

______________________ Parish Priest
Date: ______________________

______________________ Executive Secretary
Date: ______________________

***Ekimu ku biwandiiko ebyaabagibwa, abantu bye balina okujjuza nga baagala okwewandiisa.***

# Abakunze ku migabo mu Centenary bank

Ku Sunday nga 5 November 2023, ye yali entikko y'omwaka guno ey'okusonda ensimbi z'okudduukirira ensawo eyambako Omwepisikoopi okutambuza emirimu, eyatuumibwa Bishop's Annual Appeal Fund (BAAFU). Omukolo gwali ku Kitebe ky'Essaza, e Kasana.
Gwasooka na Kitambiro kya Missa mu Lutikko, ate oluvannyuma ogwaddako gwaali mu Kibangirizi kya St. Paul Hotel nga awo buli Parish yayanjulira Omwepisikoopi, Lawrence Mukasa, kye yali yetisse.
Omuwanika Omukulu ow'Essaza, Rev. Fr. Pontian Ssonko, yategeeza nti: entikko yagenda okutuuka nga ensimbi ezaali zaakasondebwa ziwera obukadde 134. Ezaali ziruubirirwa, omwaka guno, yategeeza nti, zaali obukadde 200.
Bwe yali ayogerera ku mukolo ogwo, Omusumba wa Kasana-Luweero, Lawrence Mukasa, yategeeza nti: ayagala ensimbi zonna ezisondeddwa omwaka guno, Essaza lizigulemu emigabo mu Centenary Bank. Okusinziira ku Bishop L. Mukasa, okugula emigabo: kkubo ery'okuzaalira Essaza amagoba mu nsimbi za BAAFU ezo.
"Ssente zonna ze mugenda okumpa olwa leero, kino kye nteeseteese okuzikolamu, njagala kugula migabo mu Centenary Bank," bwe yabategeeza bwatyo.
Bishop L. Mukasa yagamba nti: emyaka 25 egyasooka gyali gya kuzimba Ssaza. Ate olwamala okujaguza 'Silver Jubilee' waddawo awo emyaka emirala, nga ogw'okumutuuza, we yasinziira nagamba nti: kati ayagala ensimbi eziddako zizaalire mu migabo.
"Njagala, bannange munsindikemu, tuyingire mu Centenary Bank, oba oli awo ne zino enkiiko ze tutuuza okunoonya ensimbi zijja kukendeeramu," bwe yayongerako bwatyo.
Yategeeza nti: Essaza lyetaaga okubeera nga liwezezza billion bbiri (2bn) okutandika okwenyumiririza mu migabo, kwe kubasaba bamuwagire nnyo ku kaweefube oyo.

Omukolo gw'okusonda, kw'olwo, gwangenda okuggwa nga obukadde buyingidde e 190, nga ebulayo nga 10 bwokka, okuweza e 200 ebiruubirirwa.



*Bishop L. Mukasa nga atuuka ku mukolo gwa 'BAAFU Climax' ku St Paul Hotel nga awerekerwaako Rev. Fr. Pontian Ssonko, Omuwanika omukulu ow'Essaza, 5th November 2023. Akutte akazindaalo, ye Mw. Erasmus Musisi, eyali kalabaalaba (MC) w'omukolo.*



*Okuva ku kkono Dr. James Kyeyune (Omuwanika w'Essaza lya Buganda erya Bulemeezi), Omwami wa Ssaabasajja Kabaka amulamulirako Essaza Bulemeezi Kkangaawo Ronald Mulondo, Mw. Ronald Ssemakula Ssaabakristu w'Essaza lya Klezia erya Kasana-Luweero, Omusumba Lawrence Mukasa owa Kasana-Luweero Diocese ne Rev. Fr. Pontian Ssonko Omuwanika w'Essaza Kasana-Luweero nga ayogerera ku mukolo gwa 'BAAFU Climax', 5th November 2023.*



Aba Parish y'e Katikamu nga bakwasa Bishop L. Mukasa ettu ku 'BAAFU Climax', 5th November 2023.



Ssaabakristu wa Kasana Cathedral Parish, Mw. Joseph Ssebudde, nga akwasa Bp. L. Mukasa ekifaananyi ekiwange, ku mukolo gw'entikko ya BAAFU, 5th November 2023.



Parish Priest w'e Nandere, Ekigo ekisinga obukadde mu Ssaza, Rev. Fr. Matthias Jjooga (afukamidde), nga alamusa ku Bishop L. Mukasa ku 'BAAFU Climax', 5th November 2023.